# Ebifa mu BLB

Buganda Land Board

AMAWULIRE AGAKWATA KU BY'ETTAKA OKUVA MU BUGANDA LAND BOARD Vol: 5 Ssebaaseka 2023


# ENSISINKANO YA BBOODI



*Bammemba ba Bboodi nga bateeseza ekitongole*

BLB ewagidde Paul Ssaaka: 04



Corporate League: 10






Ssenkulu asomesezza abali mu America: 02



Emisomo: 09




Kibuga ewaga: 05

# Buganda Land Board mu America


Ssenkulu ku Boston Radio


Ssenkulu n'abakungu abalala mu America


Katikkiro ne ttiimu ye nga bakyalidde gavana wa Olympic City, Washington


Abamu ku bagenyi ku mudaala gwa BLB mu lukungaana lwa Buganda Bumu


Ssenkulu wa BLB, Omuk. Simon Kabogoza y'omu ku bakungu abaawerekeddeko Katikkiro ku bugenyi obutongole mu America gye beetabidde mu nsisinkano ez'enjawulo okwabadde olukungaana lwa Buganda Bumu, emikolo gy'okujjukira abajulizi ba Uganda wamu n'okutuuza Abaami ba Kabaka mu bitundu ebyenjawulo.

Bano era baasisinkanye bannamukago okugunjaawo enkolagana n'Obwakabaka. Ssenkulu era yalabikiddeko ku Diaspora TV ne Radio Boston okwogera ku nsonga z'ettaka.

Mu kiseera kye kimu, Omumyuka wa Ssenkulu Omuk, Hajj Bashir Kizito Juma yakiikirira ekitongole mu lukungaana lw'abapunta mu nsi yonna olwatuula mu kibuga Florida Orlando, USA.

Olukungaana luno lwateesa ku nsonga ez'enjawulo naddala nga batunuulira enkola ya 'Affordable Housing'.


Omuk. Kizito n'abakiise abalala okuva mu Africa



Ebimu ku byateesebwako


Omuk. Kizito ng'ayogerako eri abakiise mu lukungaana



Abamu ku bateesa abaali mu lukungaana


FIG WORKING WEEK 2023
28 May - 1 June, 2023, Orlando, Florida, USA

Certificate of Attendance

This is to certify that

Bashir Kizito

attended the

FIG Working Week 2023
in Orlando, Florida, USA 28 May - 1 June 2023.

Orlando, June 2023

John Hohol
Co-Conference Director
National Society of Professional Surveyors (NSPS)

Louise Friis-Hansen
Co-Conference Director
FIG Director

# Olukiiko lwa Bboodi lutudde





Olukiiko olwokuntikko olutwala Buganda Land Board lwatudde nga lukubirizibwa Ssentebe waalwo, Owek. Ying. Martin Sseremba Kasekende, nga lwatudde okuteesa n'okulondoola emirimu mu kitongole. Olukiiko lwatudde ku Masengere awali ekitebe ekikulu ekya BLB.

# Abaweereza babanguddwa ku nkozesa y'ebibalo

Abaweereza b'Obwakabaka okuva mu bitongole ebyenjawulo baabanguddwa nate ku nkozesa y'ebibalo nabo basobole okugenda bayigirize bannaabwe bwe baddukanya emirimu gy'Obwakabaka.

Guno mutendera gwakubiri ogwemisomo ekika kino era nga UBOS n'Obwakabaka bwa Buganda be bawomye omutwe mu nteekateeka eno.

BLB yasindikayo omuweereza Balaba Emmanuel Mugalu era ng'ensonga eno agikutte kannabwala.



*Balaba Emma Mugalu mu kutendekebwa ku bibalo*

# Aba GIS bakyatalaaga amatabi



Mwesigwa Daniel ng'asomesa ab'e Mityana



Ttiimu ya GIS ng'etendeka ab'e Mpigi

Ekikono ekivunaanyizibwa ku kubangula abakozi b'oku matabi ku nkozesa y'omutimbagano okutuusa obuweereza ku bantu ba Kabaka kyongedde okutalaaga amatabi, nga we twogerera kyamaze okukola ku b'ettabi ly'e Mityana ssaako ofiisi y'e Buweekula.

Bano bakolwako omupunta Mwesigwa Daniel, Emmanuel Balaba Mugalu wamu ne Masimbi Aziz ssaako Nakisanja Hilda era babangula okuva ku batwala amatabi nabuli mukozi yenna. Basooka kubasomeseza munda n'oluvannyuma ne babazza ebweru okubalaga obwoleke bwekyo ekyogerwako.

Bwe baavudde e Ssingo ne bakola ku b'e Mpigi so nga n'abe Buddu tebaasuuliddwa muguluka.



Ttiimu ya GIS ng'etendeka ab'e Buddu ebweru mu kibangirizi

## BLB ewagidde omuyimbi Ssaaka



Omuyimbi Ssaaka ng'akwasa abaakiikiridde BLB satifikeeti esiima

BLB yawagidde omuyimbi Paul Ssaaka eyategese ebikujjuko okujaguza emyaka 33 ng'awandiika n'okuyimba ennyimba naddala z'ayigiriza abaana b'amasomero. Kiddiridde omuyimbi ono okuwandiika ezimu ku nnyimba ze nga mulimu obubaka obukubiriza abantu okukuuma ettaka.

Obubaka obwaweereddwayo bwamukwasiddwa akulembera okusomesa n'okukunga mu BLB, Muky. Olivia Namaganda nga baasinzidde mu kifo abagenyi ba Ssenkulu we bamulindira ku kitebe ekikulu ku Masengere.

Oluvannyuma Ssaaka yasiimye BLB n'agiwa satifikeeti olwobuyambi bwonna obwamuweebwa.

## Gambobbi asisinkanye aba Kibuga

Ekikono ekisomesa kittudde kaweefube w'okukyalira amatabi ag'enjawulo nga kisisinkana abaweereza baago n'ekigendererwa ky'okubalaga ekikono kino bwe kirina enkizo okusikiriza abantu ba Kabaka okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe ku ttaka kwe baasenga, ekisobola okuyambako okutumbula ennyingiza y'amatabi ago.

Gambobbi yatandise na ttabi lya Kibuga gye yakedde okubasisinkana nga tebannasaasaana n'ayogerako nabo ku nsonga ez'enjawulo omuli n'ekibayamba okutuukiriza ekkatala lyabwe.



Gambobbi mu nsisinkano n'abettabi lya Kibuga

# Kibuga efuuse kagumba ka mmale



SOM Bugaya Dennis ng'akwasa abakulembera ettabi lya Kibuga ekikopo kya Muzigo

Ettabi lya Kibuga lifuukidde amatabi amalala akagumba k'emmale bwe lyetisse ekikopo omulundi ogwokutaano bukya mwaka gutandika, nga teri abawunyamu mu by'okuwenja obusimooni buli mwezi ogwewunzika. Bano mu mwezi gwa Muzigo baawangulidde ku bitundu 86%. Baddiriddwa Kyaggwe n'ebitundu 74% ssaako Mityana eyakoledde ku 73%.

Akulira entambuza y'emirimu mu matabi, Omuk. Kizito Bashir Juma yasiimye abaakoze obulungi kyokka n'akubiriza amatabi n'abakozi abakyakola obubi okwongeramu amaanyi n'okunnyonnyola lwaki ebintu tebitambula bulungi.

Omuweereza Mazzi Mable y'omu ku baakoze obulungi n'asiimibwa n'ebbaasa kirimuttu, bwe yakoledde ku bitundu 198% wadde akyali mupya.

Ye SOM Dennis Bugaya yakubirizza abatwala amatabi okwongera amaanyi mu kulondoola buli mukozi emirimu gy'akola era ye yakwasizza aba Kibuga ekikopo.

Kalungi Mathius yakoledde ku 217% era n'asiimibwa n'ebbaasa enzito.

OPM Namukasa yayanjudde alipoota y'emirimu nga bwe gyatambudde mu mwezi gwa Muzigo 2023.

Kiweewa Deus ye yasukkulumye ku balala bwe yakoledde ku 359% n'addirirwa Andrew Kyambadde ow'e Mityana. Bunjo Ivan owa Enforcement naye yasiimiddwa era yakoledde ku 159%.

N'oluvannyuma Olivia Cox Namaganda yayogeddeko eri bamaneja ku nteekateeka ekoleddwa bakasitoma okumanyiira okugenda ku matabi, eno esuubirwa okutandika nga 1 Kasambula okutuusa nga 31 lwe gunaggwaako. Bano basuubirwa okweyiwa ku matabi okubuuza ebikwata ku bibanja byabwe, okusasula emisoso n'ebirala.



Bunjo ng'akwasibwa ebbaasa ye



Kiweewa Deus naye yakwasiddwa eyiye



Kalungi Mathius ng'afuna ebbaasa ye

# Emirimu mu ofiisi ya Kaliisoliiso



*Maneja Kireewa ow'e Mpigi ng'ali ne Mukasa Casmir okulondoola abaali basenze olusozi e Kibugga mu ggombolola y'e Budde-Butambala*



*Omuk. Luutu Moses ne Mukasa Casmir nga balondoola ebye Baamunaanika*

Katikkiro W'ebyalo Bya Kabaka Omuk. Luutu Moses wamu ne Kaliisoliiso Mukasa Casmir bazzeeyo e Baamunaanika mu Bulemeezi okulondoola endooliito eziriyo ku ttaka lye baagendako gye buvuddeko era okunoonyereza kwabwe kukyagenda mu maaso.

Era ngeri yeemu Mukasa Casmir yazambalidde ku mugongo nga nswa n'ayolekera Kibugga mu ggombolola y'e Budde mu ssaza Butambala ng'ali wamu ne Maneja Kireewa Maato okulondoola bannakigwanyizi abakkakkanye ku ttaka erisangibwa mu kitundu ekyo ne basenda olusozi kumpi kulumalawo mu kimpatiira. Bano bannakigwanyizi abaasangiddwa mu keetalo baalesse babayimirizza okubaako kye bakola mu kifo kino.

Ebyeggombolola y'e Kitenga mu Buweekula nabyo bikyalanda era Mukasa yakulembeddemu ttiimu ya BLB okulondoola bannakigwanyizi abeesomye okusenda ettaka ly'Obwakabaka mu kifo kino bagabane omunyago.

Kyategeezeddwa nti Tawuni Kiraaka ssaako Ssentebe wa Mubende n'abamu ku bakiise be bamu ku bali mu keetalo k'okugabana ettaka lino oluvannyuma lw'okusaanyaawo olusuku lwa Nnaabagereka ne pulojekiti y'emiti ebibadde ku ttaka lino.

Ttiimu ya BLB yasoose kwevumba kafubo n'Abaami ba Kabaka okubadde ne Luweekula ne babakubiriza okusisinkana CAO ayimirize ebikolwa bino. Casmir yategeezezza nga kaweefube bw'akolebwa okwesigama ku biwandiiko okukomya ejjoogo n'effujjo lino.

Casmir yayise n'omuweereza Ssebaggala Henry ssaako Maneja Kitooke Sadiq ow'ettabi ly'e Mityana.

## Ab'e Ndejje beesozze akafubo n'aba Munisipaali

Abaweereza ku ttabi ly'e Ndejje - Lufuka beevumbye akafubo n'abakulembeze ba Munisipaali y'e Masajja mu kaweefube aluubirira okukolera awamu okulondoola bakiwagi abatyoboola ettaka ly'Obwakabaka mu kitundu kino.

Bano baakulembeddwa TM Ssejjengo Baker n'eyabaddewo ku lwa Maneja, Nabunnya Erios. Ssejjengo yakalambidde bwe kyatuuse ku ngeri y'okukwatamu bakiwagi basobole okulinnyibwa ku nfeete nga batambulira wamu kitole n'aba munisipaali.




*Aba ttiimu Ndejje ku ofiisi za Divizoni y'e Masajja*

# Abavubuka basabye BLB ebasomese ku by'ettaka

Abavubuka okuva mu Bwakabaka wonna bassizza kimu nga nkuyege ne basaba Buganda Land Board ebategekere omusomo ku by'ettaka beesigame ku butendeke obwo bwe banaaba bafunye basobole okulondoola bannakigwanyizi abafunze ekyonga okutyoboola ettaka ly'Obwakabaka mu bitundu gye bawangaalira.

Okusaba kwabwe kuddiridde omusomesa w'ebyettaka Kizito Gambobbi owa BLB okwogerako gyebali mu musomo ogwabategekeddwa ekitongole ky'Abavubuka okubabangula mu by'obukulembeze bwabwe naddala abaakayingira ofiisi mu magombolola wali ku Buganda Royal Institute e Kakeeka Mengo.

Gambobbi yabalambise ku nkola ya BLB n'ebakwata omugamba, bwebatyo ne bayisa ekiteeso BLB ebategekere omusomo mu bujjuvu ebabangule mu bukodyo obwenjawulo babwesigameko okulwanyisa bakiwagi ssaako bannakigwanyizi abasaatuukira ku ttaka ly'Obwakabaka naddala mu byalo.



*Abavubuka mu kifaananyi ekyawamu oluvannyuma lw'omusomo ku Buganda Royal Institute e Mengo*

Omukulembeze w'abavubuka mu Bwakabaka, Baker Ssejjengo ye yawomye omutwe mu nteekateeka eno mwe yakungaanyirizza abavubuka abasukka mu 400 era ng'okutendekebwa kuno kwaggaddwawo Minisita w'Abavubuka, Emizannyo n'Okwewummuza, Owek. Ssekabembe Henry Moses Kiberu eyabakubirizza ssaako okubakuutira okubeera abasaale okulwanirira n'okubunya enjiri y'ettaka ssaako okwesigama ku bibasomeseddwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa obwabakwasiddwa.

# Manager Kabonge alambudde ettaka e Kiyoogaanyi

Territory Manager wa Mityana Kabonge Charles ng'ali wamu ne Area Manager Kitooke Sadiq baalambudde ettaka ly'e Kiyoogaanyi ekisangibwa mu ggombolola y'e Bulera mu Ssingo oluvannyuma lw'okufuna amawulire nti waliwo bannakigwanyizi abababadde beesomye okulyekomya naddala awali ekisaawe era nga baatuuse n'okupangisa abantu okulikolerako awatali kwebuuza ku Baami ba Kabaka.

Mu kulambula ekifo kino baabadde wamu ne Ssenyonjo Abel omusolooza w'ekitundu kino ssaako Abaami ba Kabaka.



*Kabonge n'abamu ku Baami ba Kabaka nga balambuzibwa ekisaawe bannakigwanyizi kye baagala okuwamba*

# Abantu ba Kabaka baleese Amakula:



Owek. Hajji Hamis Kakomo ng'ayanjulirwa amakula mu Mut. VII e Baamunaanika



Aba Mut. IX Kabira okuva e Buddu nga banjulira Omulangira Muteesa amakula g'embuga

Abantu ba Kabaka okuva mu ggombolola ya Ssaabaddu Kapeeka mu Bulemeezi baakiise embuga ne banjula amakula ga Beene mu lubiri e Mengo. Bano baaleese ente, embuzi, enkoko, emmere, ebikajjo n'ebirala bingi. Amakula gaabwe gaabatikkuddwa Sipiika w'Olukiiko lwa Buganda, Owek. Patrick Luwaga Mugumbule era nga KWBK Omuk. Luutu Moses yamwegasseeko okwaniriza amakula ga Bbaffe. Bannakapeeka baakulembeddwamu Abaami ba Kabaka.

N'aba Mut. VII Baamunaanika baayanjudde amakula gaabwe nga gaabatikkuddwa Owek. Hamis Kakomo. Nabo baaleese ente, embuzi n'ebirala era nga Minisita Kakomo yabakuutidde okuweerera abaana abanaatembeeta Obwakabaka enkya.

Eggombolola ya Mut. IX Kabira okuva e Buddu nayo yakiise embuga n'etikkulwa amakula mu lubiri e Mengo. Bano gaabatikkuddwa Omulangira Muteesa Felix eyawerekeddwako omuweereza Ssonko Lameck Musoke eyakiikiridde KWBK Moses Luutu.

## Owa Land banking tatudde



Katongole (owookubiri ku kkono) ng'alambuza bamusigansimbi e Manya

Edris Katongole ow'ekittavvu ky'ettaka omulimu ogukutte kannabwala era nga yalambuzza bamusigansimbi ba Jon Kit Volunteers ettaka eriwezaako mayiro 27 e Manya mu Kiwafu-Nanga mu ssaza ly'e Kyaggwe, ng'ekifo kino baliko enkulaakulana gye baluubirira okukisigamu.



## Khadhi w'e Masaka asaddaakidde ttiimu Buddu

Abaweereza b'ettabi lya Buddu baagudde mu bintu ku Eid enkulu ebeerako okusala ebisolo, ofiisi ya Supreme Khadhi e Masaka bwe yabagonnomoddeko ente nabo basanyukire wamu n'abajaguza abalala bagisale okukuza olunaku olwo. Kaabadde keetalo kennyini.

# Amawulire mu bifaananyi

Tukubye emisomo n'okuyita mu mikutu emirala okusomesa abantu ba Ssaabasajja ku nsonga z'ettaka n'obuvunaanyizibwa bwabwe.



**Gambobbi ng'abuulira ab'e Ssekanyonyi ebyettaka**



**Nansubuga mu lukiiko lw'abatuuze b'e Kazo-Muganzirwazza**






**Namaganda Olivia Cox ne Gambobbi nga basisinkanye abaweereza ba Bucadef okubannyonnyola ebikolebwa BLB**







**BLB yaweerezza abasiraamu obubaka bw'okubaagaliza Eid enkulu ey'emirembe**



**Namaganda Cox ng'abuulira bamaneja ku nteekateeka ya 'Clients' Interface Month'**



**Kizito Gambobbi mu lukiiko lw'abatuuze e Kiryanongo**



**TM Kabonge ne AM Kitooke mu lukiiko lw'Abeemiruka**



**Gambobbi mu musomo e Bulwadda Gomba**



**Kanso Mukwaya ng'atangaaza ku by'ettaka ly'e Golomolo**



**Nsubuga Alex ng'ateekateeka pulogulaamu Ettaka ye Nnyaffe ku CBS ng'ali n'omusomesa Gambobbi Kizito**

# BLB efufuggazza buli kiramu mu Corporate liigi

Ow'enjogera ennyangu asobola okugamba nti omwaka guno bw'etabeere ntaanya etta amenvu, BLB yandyetikka obuwanguzi bwa Corporate League olwengeri gy'eyesa ttiimu ze bagiwa okuttunka nayo. N'omwezi oguwedde yakoze olulumba sinziggu ku ttiimu ez'enjawulo era ng'okugisikambulako akabonero okanira!!

BLB yasookedde mu IRA gye yasandabudde ggoolo 3 ku 1 mu gw'ebigere, ne Engie Energy yakubiddwa ekkene.

Mu mizannyo emirala nga volley ball BLB yawangudde URA n'obugoba 2-0.

Bwe yatuuse mu muzannyo gw'ensero n'ewuttula aba Coca Cola obugoba 15-13.

Tukyasabula!!!!



Ttiimu y'omupiira ejojobya ebitongole ebirala



Omuzannyi wa BLB mu bbanga ng'ataasa okuteebwa akagoba ka volleyball



Abamu ku bawagizi ba BLB nga bawagira ttiimu ya volleyball



Ttiimu ng'enywesa akagoba mu gw'ensero



Okuttunka mu muzannyo gw'ensero



Ssenkulu Omuk. Simon Kabogoza ng'abuuza ku bazannyi ku kisaawe




'Bill Gates wa BLB', Mujabi Martin Kuteesa (asooka ku kkono) ng'alaba emizannyo n'abazannyi abalala



Omuzannyi wa BLB ng'akulukuta n'omupiira

# Abaweereza abaazaalibwa mu Ssebaaseka



Kigozi Jude nga bakozi banne bamukoleddе akabaga k'amazaalibwa



Najjuuko Shamim

"

Muyogeeyoge bannaffe!



Nambiite Juliet



Birungi Justine



Namusenda Flavia



Buwembo Julius



Namugenyi Rachael



Edmond Katongole